# Zimba ekitone

## Yamba omwana okutambuza emisomo n'emizannyo



Richard Mugerwa

OKUVA mu myaka emito gy'omwana, abazadde, amasomero, n'abaagaliza ebirungi bassa nnyo essira ku by'ensoma nga eringa y'engeri yokka ey'okutuuka ku buwanguzi mu bulamu. Tebatera kwogera ku mizannyo n'eby'ensoma okubikwatiza wamu, nga batya nti kiyinza okukosa ebiseera by'omwana eby'omu maaso.

Wadde ng'okubeera n'omwana ayagala okusoma



kya kwenyumiriza-mu eri abazadde n'essomero, ekintu kye kimu tekituuka ku muntu ayagala ennyo emizannyo. Waliwo endowooza enkyamu nti emizannyo giremesa omwana okwewaayo mu kusoma. Kyokka, obutabeera mu mizannyo kivaako omugejjo n'ebizibu by'ebyomwoyo, nga obutafaayo, obugayaavu, okunyiiga, obutaba na bugumiikiriza n'ebirala mu baana.

Noolwękyo, kyeyoleka lwatu nti okukuuma enzikiriziganya wakati w'emizannyo n'emisomo kikulu nnyo mu nkula y'omwana. Era zino z'ezimu ku ngeri gy'oyinza okubikwasaganyamu:

Okukulembeza emizannyo gy'ayagala nga kino kimuyamba obwongo okubuteeka ku muzannyo ogumu n'afissa n'obudde obubeera mu bitabo. Kino asobola okukikola ng'ayambibwako abakugu mu kuddukanya obudde.

Enteekateeka entuufu ku pulogulaamu ezijja mu maaso okugeza ebiseera by'ebigezo oba omuzannyo omukulu we gulina okukulembezebwa.

Obuwagizi okuva mu maka n'essomero bikola kinene mu kulaba ng'omwana tawulira buzito mukutwala ebintu byombi mu maaso.

Emizannyo giyamba nnyo omwana ali mu ssomero kuba giwawula obwongo, gitaasa omuzadde ku fiizi, gitendeka okugumira embeera, gitondawo emikisa gy'emirimu, giyigiriza okukuuma obudde n'ebirala.

*Mugerwa mukugu era musomesa w'abakung'aanya bwino n'ebibalo by'omupiira (stats). Yazannyirako Maroons, Kibuli SS, Ekika ky'Enkima, Essaza Mawogola ne ttiimu y'eggwanga eya U20. Ye nnannyini Prostat Academy. Ali ku ssimu 0774498980*